| Essomo 1 | الدرس الأول |
| --- | --- |

# Tauhiid n'emiteeko gye

**TAWUHIID** kwe kwawula Katonda omugulumivu, n'ebyo byonna ebimweyawuliddeko era ebyetteeka kuye mubika bya Ibada amakulu okusinza era nga okusinza kyekisinga obunene mwebyo byagalira Allah omudduwe okubikola.
Agamba Allah mu Qu'ran Surat Ikhilasw Aya 1:
"Bagambe nti ye Katonda ali omu yekka".
Era n'agamba Allah mu Surat Dhaariyaat Aya 56 nti:
''Saatonda majinni na bantu okujjako nabatonda lwa kunsinza".
Era n'agamba Allah mu Surat Nisaai Aya 36 nti:
''Musinze Katonda temumugattako kintu kirala kyonna".

**Ne Tawuhiid ono atekululwamu emiteeko esatu;** Okwawula Katonda mu bulezibwe,
1. Okwawula Katonda mu kumusinza,
2. Okwawula Katonda mu mannyage nebitendo bye.

N'ogusooka okwawula Katonda mubulezibwe nakwo kwekwawula Katonda mukutondakwe n'okulabirira wamu n'okutambuza ensi eno era nakkiriza nti yemugabirizi awa obulamu era yatta. Nannyini bwakabaka bwaggulu omusanvu nensi, agamba Allah mu Surat Fatwir Aya 30 nti:
Agamba Allah nti abaffe waliyo omutonzi atali Allah abagabirira okuva muggulu ne munsi? Ddala tewali asinzibwa yenna mu mazzi okujjako yye – lwaki mubula nemuva kumazima?
Era agamba Allah mu Surat Mulk Aya 1
(Agamba nti yatukula Katonda oyo mu mukonogwe omuli obwakabaka bwa buli kintu era ye buli kintu akiyinako obusobizi) n'obwakabaka bwa Allah buno bubuna kubuli kintu ekiri kunsi yetaayiza mubyo nga bwaba ayagadde. Era kwo okumwawula Allah mulabirira era ye Allah yeyawulidde mukutambuza n'okulabirira ensi eno nebyo ebigirimu ebitonde nga bwagamba Allah mu Surat Araafu Aya 54 agamba nti:
(Agamba Allah nti era mukimanye nti yenannyini Kutonda era yenannyini bilagiro yatukula Allah omulezi webitonde)
Era okulabirirakwe okwo kubuna ebitonde byonna era omuteeko guno tewali baaguwakanya okujjako batono mubajeemu songa ewamu n'okuguwakanya kwabwe emitemwa gyabwe gyali gigukakasa, nga Allah bwagamba mu Surat mu Aya 41 nti;
Agamba nti baagiwakanya (enzikiriza eyo entuufu) naye negigikakasa emitima gyabwe munda (naye nga bawakanya lwa bulyazamanya nakwekuza). Songa okukkiriza kuno kwokka tekugasa muntu abeera akukkiriza nga era bwekutaagasa banashiriki bwebakukkiriza ngate bwebamugattako Allah ebintu ebirala mukumusinza nga Allah bwagamba mu Surat Anikabuut Aya 61 nt.

Agamba Allah nti era singa obeera obabuuzizza nti ani yatonda eggulu omusanvu nensi era nagonza enjuba n'omwezi bakuddamu nti Allah bagambe ate lwaki muva kumazima.